# Omukazi abbye omwana ng'agenda ku ssomero



Tracy eyabbiddwa.

Bya JOHNBOSCO MULYOWA

ABAZADDE bali mu maziga olw'omwana waabwe ow'emyaka 5 okubbibwa bw'abadde ne banne nga bagenda ku ssomero!

Timothy Kafeero ne mukyala we Betty Nalubowa abatuuze ku mwalo gw'e Ddimo mu ggombolola y'e Kyesiiga e Masaka be basattira olw'omwana waabwe Tracy Namuddu 5, asoma Top Class ku St. Edwards P/s erisangibwa ku mwalo gw'e Ddimo e Masaka eyabbiddwa.

Omukazi agambibwa okubba omwana abadde yaakamala ennaku nnya zokka ku kitundu era ababadde bamulaba baategeezezza *Bukedde* nti, abadde asula mu loogi emu nga we yavudde okulabiriza bazadde b'omwana ono n'amubba.



Bazadde ba Tracy okuli Betty Nalubowa ne Timothy Kafeero.

Kigambibwa nti, omukazi ono yabeerako ku mwalo guno emyaka 10 egiyise ne bba gwe bajjukirako erya Brian nga bapangisa ku nnyumba za jjajja w'omwana ono, Harriet Nassolo. Nassolo yategeezezza *Bukedde* nti, omukazi ono yajjanga ku mwalo n'alaba ku Brian nga bw'addayo nga kati abadde amaze omwaka mulamba nga yavaako.

Agattako nti, Brian yasenguka kati emyezi mukaaga n'agenda ku mwalo gw'e Bbaale era nti omukazi ono yazze ng'anoonya Brian nabo ne bamutegeeza nti yasenguka. Agamba nti, omukazi yamutegeezezza nti Brain yamufunyisa olubuto lw'abalongo kyokka omu yabuuka wabula abadde taddangamu kumuwuliza.

Omukazi ono, yasazeewo okupangisa loogi we yamaze ennaku nnya kyokka ng'asiiba ewa Nassolo nga bw'akola omukwano ku bazzukulu be. Abakulembeze b'ekitundu nga bakulembeddwa amyuka ssentebe w'ekyalo, Mariam Nakalanzi baategeezezza *Bukedde* nti, bali mu kutya nga n'abazadde kati batya okusindika abaana baabwe ku ssomero nga batya bakibbabaana.

Akulira essomero lya St. Edwards Ddimo, Johnbosco Katumba yategezeza *Bukedde* nti, ono omwana waakubiri okubbibwa mu kitundu kino ng'eyasooka baamubba ne bakanda abazadde ssente okutuuka abeebyokwerinda bwe baabakwata nga bayita mu kulumika essimu zaabwe.

Omwogezi wa Poliisi e Masaka, Twaha Kasirye yategeezezza *Bukedde* nga bano bwe baaloopye omusaango gw'okubbibwa kw'omwana ku poliisi y'e Kyannamukaaka ne Kyesiiga era Poliisi ekwataganye n'abeebyokwerinda abalala okunoonya omwana ono.